# EBYA S4

## • Abayizi baayise nnyo
## • Omuzadde bw'otaputa obubonero bw'omwana



Olivia Kizza Nakakande owa St Mary's High School Gayaza -Mwaule yafunye A9.



Vierrah Andwanaho owa Blessed Sacrament Secondary School Kimaanya yafunye A(7) ne B (2) ng'ajaguza ne bazadde be omwami n'omukyala Isreal Mbaine.


EMIKO 10 MUNDA



Asiimwe Mary Best yafunye ku Merryland H/S Ntebe wa A(8) ne B



Kisakye Precious ku Uganda Martyrs SS Namugongo wa A(9)



Timothy Kyeswa owa Our lady of Good Counsel Gayaza alina A(8) ne B(2)



Benjamin Robert Koma owa Elite High School yafunye A(8) ne B.



Mugaba Abubakar, Bugwere Star High Sch. Budaka wa A(8) ne B.

**EKIRANGO**

Emboozi zino n'ebifaananyi bifulumiziddwa ku lukusa olutuweereddwa omuzadde / abalabirira abaana



Nokrach Timothy Olak, Our Lady of Africa Namilyango A(8) ne B



Ezra Katwere owa MUMSA High School Mityana yafunye A7, B2.



Killian Nalwadda wa A(7) ne B(2) ku St. Mark's College e Namagoma



Rinah Nakabubi yafunye A(8) owa St Noa Girls Zana.

## Amasomero 500 agasinze mu ggwanga

| RANK | NAME OF SCHOOL | TOTAL CAND. | As&Bs |
|---|---|---|---|
| 1 | Uganda Martyrs Namugongo | 499 | 4247 |
| 2 | St. Marys SS Kitende | 498 | 4005 |
| 3 | Mengo Sec Sch | 499 | 3957 |
| 4 | Bweranyangi Girls Sch | 499 | 3535 |
| 5 | Our Lady Of Africa Sec Sch | 497 | 3420 |
| 6 | Buddo Sec Sch | 499 | 3327 |
| 7 | St. Marks College Namagoma | 499 | 3243 |
| 8 | Ntare School | 458 | 3017 |
| 9 | Namilyango College | 393 | 2984 |
| 10 | Kings College Budo | 422 | 2963 |
| 11 | Ndejje Sec Sch | 486 | 2934 |
| 12 | Kawempe Muslim Sec Sch | 400 | 2914 |
| 13 | St. Marys College Lugazi | 399 | 2908 |
| 14 | Trinity College Nabbingo | 387 | 2855 |
| 15 | Gombe Sec Sch | 453 | 2814 |
| 16 | Budini Sec Sch | 493 | 2794 |
| 17 | Seeta High Sch Mukono | 328 | 2751 |
| 18 | St. Josephs SS Naggalama | 318 | 2727 |
| 19 | Maryhill High Sch | 347 | 2683 |
| 20 | Iganga Sec Sch | 387 | 2597 |
| 21 | Seeta High Sch Green Campus | 323 | 2588 |
| 22 | St.Thomas Voc. SS Rubirizi | 466 | 2538 |

# Essanyu ly'okuyita ebigezo



Nabulime Nanangwe Trinnah Tendo yafunye 4B ne 6C ku Lugano Homestone School.



Katende Mathias Kirinnya 6A, 3B (ku kkono) ne Wandera Henry 4A, 5B (ku ddyo) aba Uganda Martyrs' SS Kayunga. Baabadde basanyukira okuyita ebibuuzo.



Jackline Namugenyi owa Our Lady Star Of Pilgrims Bukuluła Girls mu Kalungu ng'ajaguza ne nnyina Emma Kusemererwa. Yafunye 6B ne 4C.



Josephine Namiyingo owa Kaliisizo Seed Secondary School (ku ddyo) yafunye 1B ne 8C.



Debora Nakiwala owa Mityana Modern SS, yafunye 4A ne 5B.



Joanitah Nabukenya owa Mityana Modern SS yafunye 7A ne 2B.



Odyeke Innocent yafunye 7A, 2B ku Toggo Sec and Voc School.



Achadri Jonathan yafunye 7A, 2B ku Toggo Sec and Voc School.



Shinat Ssenabulya owa Our Lady Star Of Pilgrims Bukulula Girls mu Kalungu ng'ajaguza ne nnyina Nassozi Faridah. Yafunye A1, 7B, 2C.



Timothy Kyeswa owa Our Lady of Good Counsel Gayaza yafunye 7A ne 2B. Wano ng'ali ne kitaawe Mugalu Moses.




Pius Lukaaya owa Kaliisizo Seed School (ku ddyo) yafunye 2A, 5B ne 1C.



Agaba Abdul Karim yafunye 5A, 4B ku Toggo Sec and Voc School.



Mark Ssempiira yafunye 8A ne 2B ku Act High School Mayanja Kakuuto. Wano ng'ajaganya ne kitaawe Godfrey Ssempiira.



Ssebuufu Joshua owa St. Andrew Kaggwa Gombe High School, Kawaala. Yafunye 5A, ne 5B A.

**EKIRANGO**

Emboozi zino n'ebifaananyi bifulumiziddwa ku lukusa olutuweereddwa omuzadde / abalabirira abaana

# Ebya S.4 babiyitidde waggulu



Nassali Maria Sandrah owa Masaka Exodus Voc SSS yafunye A (3), B (5), C (1) ne project A. Wano abayizi nga bamusitudde okumuyozaayoza.

Bya KIZITO MUSOKE NE SHARON NABASIRYE

EKITONGOLE ky'ebigezo mu ggwanga ekya UNEB kifulumizza ebyava mu bigezo bya S.4 eby'omwaka oguwedde ogwa 2025 ne biraga nti, bayise bulungi okusinga bannaabwe abaatuula mu 2024.

Abayizi 432,163 be beewandiisa okutuula ebigezo by'omwaka oguwedde okuva mu bifo 3,975 kyokka ng'abaatuulira ddala baali 429,949 nga bannaabwe 2,214 nga by'ebitundu 0.5 ku 100 tebaalabikako.

Abalenzi baali 204,292 (ebitundu 47.3 ku 100) ate abawala baali 227,871 (ebitundu 52.7 ku 100). Abayizi 154,642 (ebitundu 35.8 ku 100) baali basomera ku nkola ya Bonnabasome eya USE ate bannaabwe 277,521 (ebitundu 64.2 ku 100) nga bali mu masomero ag'obwannannyini.

## ABAYIZI 99 KU 100 BAYISE

Abayizi abaayise ebigezo bali 428,628 nga bye bitundu 99.69 ku 100 era be bagenda okufuna ebbaluwa za UCE era bonna bali mu muteeko gwa Result 1. Result-1 gwe mutendera omwateekeddwa abayizi bonna abaayise ebigezo.



Andrea Bubulwa owa Seeta High (Main Campus), yafunye A-2, B -6 ne C-1.

Omuwendo gw'abayizi abatagenda kufuna bbaluwa ya UCE gwakendedde okuva ku bayizi nga bibiri ku buli 100 okutuuka ku kyenkana obutafuna muyizi yenna ku 100, oba bayite abayizi basatu ku buli 1,000.

Omutendera gwa Result 2 gwabaddemu abayizi 1,191 nga bano baliko obukwakkulizo bwe bataatuukiriza, ng'obutaba na pulojekiti oba nga baakola amasomo agatawera.

Abayizi 130 baabadde mu mutendera gwa result 3 nga bano baagudde amasomo gonna.

Omwaka gwa 2024, abayizi baayita 350,146 nga bakola ebitundu 98 ku buli 100. Omwaka guno gwe gw'okubiri mu mbuuza empya eya Competence-Based Curriculum.

## BWE BAAKOZE AMASOMO AG'ENJAWULO

Abayizi baayise nnyo essomo ly'ebyeddiini erya CRE, Geography n'Olungereza kyokka nga n'amasomo amalala abaafunye C n'okudda waggulu baabadde bangi okusinga aba 2024.

Omuwendo gw'abayizi abataafunye D mu masomo ga ssaayansi gwakendedde nnyo. Abayizi baasanze okusoomoozebwa mu masomo g'okwegezaamu aga ssaayansi bwe baalemeddwa okuteeka ebyabasomesebwa mu kunoonyereza okw'enjawulo.

Abasomesa baasabiddwa okuteeka amaanyi mu kulaba ng'abayizi tebakwata bintu bukusu, wabula babitegeere mu mbeera esobola okubayamba mu bulamu obwabulijjo kuba gwe musingi gw'embuuza empya eya competence-based curriculum.

## ABAYIZI BYE BOOGERA KU BIGEZO BYE BAAKOLA

UNEB yakola okunoonyereza okuva ku bayizi 36,546 okuva mu disitulikiti 118 ng'ebitundu 49 ku 100 baali bawala ng'ebibuuzo byababuuzibwa amangu ddala nga bamalirizza ebigezo. Kyakolebwa ku nnaku za njawulo mu bbanga lya wiiki bbiri.

Abayizi 96.3 ku 100 baalaga nti, ebyababuuzibwa byaggyibwa mu bintu bye balina okusoma ate abayizi 74.7 ku 100 baagamba obudde obwabaweebwa bwali bumala ate abalala 88.2 ku 100 baategeeza nti, ebikozesebwa byonna byabaweebwa bulungi.

Ku buzibu bw'ebibuuzo,



Irene Nakato owa St. Mary's High School Gayaza yafunye A9

ebitundu 4.7 ku 100 bagamba ebibuuzo byali byangu, 66.4 ku 100 bagamba byali bimalirawo ate 28.8 ku 100 bagamba ebibuuzo byali bizibu.

Abayizi bye baddamu bikwatagana bulungi n'engeri gye baayiseemu kuba kyeraze nti, abasinga obungi baafunye C, akabonero akalaga nti, baategeera ebyabasomesebwa.

## ABALENZI N'ABAWALA

Abayizi abawala be baasinze okwolesa obukugu mu masomo okuli; Olungereza ne Christian Religious Education. Kyokka abalenzi beerisizza nkuuli mu; History, Political Education, Geography, Mathematics, Agriculture, Physics, Chemistry ne Biology.

Abalenzi be baasinze okuyita obulungi kuba omuwendo gwabwe gwabadde mungi ku mutendera gwa Exceptional ne Outstanding.

## ABASIBE

Abasibe 52 be baatuula ebigezo mu kkomera nga e Luzira Upper Prison baali 40 (abalenzi-36 n'abawala-4) ate bannaabwe 12 baatuulira mu Mbarara Main Prison Inmates' Secondary School. Abasibe bonna baayise okuggyako omu e Luzira eyeewandiisa n'atalabikako.

## ABALIKO OBULEMU

Abayizi 708 (abalenzi-342 n'abawala-366) be beewandiisa okukola ebigezo bya 2025 bw'obageraageranya ne 743 abaakola mu 2024.

Kwabaddeko abatalaba 27, abatalaba bulungi-116, abatawulira-60, abaagongobala 72 n'obulemu bw'ebika ebirala. Waliwo abayizi 343 abaalina obulemu nga obulwadde bwa sickle cell, abaafuna obubenje era nga bonna baabongeramu eddakiika 45 mu buli lupapula ezisukka mu z'essalira.

Abaliko obulemu abawera 695 (ebitundu 98.2 ku 100) baafunye obubonero obubasobozesa okufuna ebbaluwa ya UCE ate bannaabwe 9 (ekitundu 1.8 ku 100) baagudde.

## OKUBBA EBIGEZO KWAKENDEDDE

Omuwendo gw'abayizi abagambibwa okubba ebigezo gwabadde mutono nga UNEB yafuna emisango 63 gyokka. Engeri ebibuuzo gye bitegekebwamu tesobozesa bayizi kukoppa.

Kyokka emisango gye baafunye okusinga giri mu kigezo ky'okubala awamu n'empapula z'okugezesa (practical) mu masomo ga Physics, Chemistry ne Biology gye baafunye obujulizi obulaga nti, baayambibwako abasomesa.

Kwe bakirabira omuyizi bw'ayambibwako mu kukola okunoonyereza by'aggyamu bibeera byawukana ne dizayini y'omuyizi gye yalaga era ne by'afuna biba tebikwatagana.

UNEB egenda kuteekawo okunoonyereza okusingawo ku bigezo by'abayizi ebyakwatiddwa era be banaasanga nga tebalina musango bajja kufuna ebigezo byabwe.

Waliwo obujulizi obulaga nti, abasomesa baawa abayizi eby'okuddamu basobole okubikoppa nga baddamu ebibuuzo.

## OKUNONA EBIGEZO


UNEB yategeezezza amasomero nga bwe basobola okufuna ebigezo byabwe okuva ku Centre Portal amangu ddala ng'ebigezo bifulumye.

Mu kiseera kino tewali mpapula ziraga bayizi bwe baakoze, kyokka bajja kutegeeza amasomero nga bamaze okwetegeka.

Abazadde, abayizi n'omuntu omulala ssekinnoomu basobola okuweereza obubaka bwa SMS ku mikutu gy'amasimu egya MTN ne Airtel ne bamanya abayizi bwe baayise.

Odongo yasabye abakulira amasomero okwetegereza ebyafulumye nga singa balabako ensobi okugeza mu mpandiika y'amannya, ennaku z'obuzaale n'ebirala okutegeeza UNEB mu bbanga lya nnaku z'okukola 21 okuva ng'ebibuuzo bifulumye. Okwemulugunya okunajja oluvannyuma tekujja kutunulwamu.

Odongo yeebazizza Pulezidenti Museveni, minisita w'ebyenjigiriza n'emizannyo Janet Museveni, abakozi ba UNEB, abaakuuma ebigezo, amasomero gye baagololera ebigezo, abayizi abaakola ebigezo, abasomesa abaasomesa awamu n'abazadde abaabawa obuwagizi.



Ezra Katwere owa MUMSA High School e Mityana yafunye A-6, B-2, C1 .

# Abaayise ebya S4 bajaganya



Lutalo Steven owa St. Mark High school Lusanjà yafunye A(4) ne B(5)



Michelle Asasiira Faith owa St Josephs Girls Nsambya yafunye A(3) ne B(6)



Linton Kalema owa Vision College Kikajjo, Kyengera yafunye (A-5,B-3,C-1)




Zion Nanyanza owa Vision College Kikajjo, Kyengera yafunye A(5),B(4)



Aba Buloba Christian High School nga bajaguza obuwanguzi ne dayirekita waabwe.


## BULOBA CHRISTIAN HIGH SCHOOL

Located at Buloba, Mityana Road, P.O BOX 7042, Kampala - Uganda




**Congratulations**

to our UCE students 2025

| SUBJECTS | A | B | C | TOTAL |
|---|---|---|---|---|
| **GEOGRAPHY** | **32** | **66** | **103** | **201** |
| CRE | 08 | 41 | 121 | 170 |
| **MATHEMATICS** | **06** | **58** | **126** | **190** |
| IRE | 05 | 39 | 68 | 112 |
| **CHEMISTRY** | 03 | 36 | 153 | 192 |
| **HISTORY** | **03** | **37** | **159** | **199** |
| PHYSICS | 02 | 45 | 124 | 171 |
| **BIOLOGY** | **02** | **44** | **155** | **201** |
| ENGLISH | 02 | 35 | 164 | 201 |

**Registration is on going**

Tel; +256 702 351 871, +256 772 886 772

# 'Twebaza Katonda olw'okuyita S4'




Abayizi ba Madiinah Islamic SS e Nsangi Katereke nga bajaguza olw'okuyitira waggulu ebibuuzo bya S4. Owookubiri ku ddyo ye Nabbosa Aisha eyafunye 5A 5B.



Namara Marion owa Uganda Martyrs SS Namugongo yafunye A6 ne B4. Wano ng'ali ne muzadde we.



Kyambalango Abdol owa St. Mark High School - Lusanja yafunye A4, B4.

# Abaayise ebya S4 babinuka



Mercy Tusuubira yafunye 6B, 3C ne Project B. Abadde asoma ku St. Paul Nsangi SS.



Freedom Kizza yafunye 9A ku St. Jude Secondary School Kyabakuza Masaka



Jovita yafunye 9A ku St. Jude Secondary School Kyabakuza Masaka.



Gift Chebet owa Mbale Progressive SS yafunye 4A ne 4B. Wano nga banne bamusitudde.



Joy Afayo yafunye 7A ne 2B ku Iganga SS. Wano ng'ajaganya ne kitaawe, Kenneth Bwire omukozi wa Vision Group.



Marvin Ddamba owa Buddo SS (wakati) yafunye 7A 2B. Wano ng'ali ne taata we Ddamba Aloysious ne kkojja we, Kafeero Robert.

EKIRANGO



Desire Nantume owa Buddo SS yafunye 6A ne 3B.




Pamela Nalubega owa St Mary's Mukoko, Kalungu yafunye 8B ne 1C



Desire Namaganda owa Kaliisizo Seed School yafunye 1A,6B,1C ne A mu Project. Wano ng'ajaganya ne ssengaawe, Joyce Zasanze.



Judith Nakirembe owa St.Marks college Namagoma yafunye 4B ne 6C.



Edwin Kibuuka Kike owa St. Marks College Namagoma yafunye 6B ne 4C.



Shubellah Nannozi owa St Mary's Mukoko, Kalungu yafunye 8B 1C.



Uniya Zawedde Sebanenya owa Makerere College School yafunye 1A, 5B ne 3C.



Brian Nsimbi owa Buddo SS yafunye 7A 2B ne B mu Project.



Kevin Nakamoga owa St. Mary's Mukoko, Kalungu yafunye 7B, 2C.



Lillian Nalwadda owa St. Mark's College e Namagoma yafunye 7A ne 2B.



Pius Kisitu owa Light College Katikamu yafunye 4B, 5C ne A mu Project.



Jonathan Francis Muliika owa Act High School Mayanja-Kakuuto. yafunye 1A,8B. Wano ng'ali ne maama we, Sylivia Nabuuma.

# Haaya twagyesunga dda




Isa Mutyaba owa Mityana Town SS yafunye Eng B 2 ne C 7.



Abayizi ba Victoria High School Iganga, okuva ku kkono; Michael Owen Muwonge eyafunye A 6, B 2 ne C 1; Nawenja Winnie eyafunye A 4 ne B 5, Catherine Amusugut eyafunye A 3 ne B 6 ne Athieno Robinah (ku ddyo) eyafunye B 5 ne C 3, nga bajaganya ne dayirekita waabwe omugagga Hajji Abdu Karim Njubi.

**EKIRANGO**

Emboozi zino n'ebifaananyi bifulumiziddwa ku lukusa olutuweereddwa omuzadde / abalabirira abaana



Kisakye Emmanuel Mark (ku ddyo) owa Our Lady of Africa Mukono eyafunye A6 ne B 5 ng'ajaganya ne kitaawe.

ABAYIZI abaatuula ebigezo bya siniya eyookuna omwaka oguwedde ebyavudde mu bibuuzo byakomyewo ne bireka nga bajaganya olw'okukola obulungi nga kati bagenda kwegatta ku haaya gye beesunga obwedda. Abayizi abaakola ebigezo bangi baayise nga basobola okwegatta mu masomero ge baalonda okusomeramu siniya eyookutaano ne mukaaga. Abazadde, abasomesa n'ababaagaliza ebirungi bonna bwazibye babinuka masejjere olw'essanyu, ne *Bukedde* kwe kukuleetera abamu ku bo okuva mu masomero ag'enjawulo ne ne bwe baakoze.



Hanifah Nakanwagi owa Mityana Town SS yafunye A 1, B 7 ne C 1.



Ab'omukwano basatu aba Mumsa HS e Mityana bayise. Ku kkono, Edrine Bukenya yafunye A 2 ne B 7, Emmanuel Ssali yafunye A 1, B 7 ne C 1, ate Daniela Nakalema n'afuna A 3, B 5, ne C 1.



Nakawombe Flavia owa Bukerere College School - Kiwango Mukono yafunye A 5 ne B4.

Abayizi ba St. Mary's HS Gayaza-Mwaule e Nangabo-Kasangati, Wakiso bayitidde waggulu. Okuva ku kkono ye; Leticia Kisakye, Leila Ssentongo Mesh, Betinah Nambooze, Irene Nakato, Resty Kizza ne Olivia Kizza Nakakande, bonna baafunye A 9. Baabadde n'amyuka omukulu w'essomero Peter Ssemyalo (ow'ettaayi).





Abamu ku bayizi ba St. Kizito SS nga bajaganya okuyitira waggulu. Marvin Kalissa yafunye A 7 ne B 2, Peter Anzovule yafunye A 6 ne B 3, Frank Kalanda yafunye A 1 ne B 8 ne Devine Rwaburoro yafune A 1 ne B 8. Ku kkono ye, Maria Bonabana Maama wa Kalanda ng'abakulisa.



IBUN HAMIS ISLAMIC SENIOR SECONDARY SCHOOL

معهد ابن خميس الإسلامي

Education is a Treasure

Kigoogwa - Matugga along Bombo Road

0702 161 678 / 0774 161 678 / 0772 411 865 / 0702 855 540



RESULT ANALYSIS FOR UCE 2025

| NUMBER OF STUDENTS | TOTAL |
| --- | --- |
| 71 STUDENTS | 42 A' S |
| | 597 B' S |

Congratulatory Message

Board of Directors Ne Staff Ya Ibun Hamis Islamic Sss Matuga Kigogwa Wakiso,Tuyozayoza Abayizi Baffe Abatula S.4 Mumwaka 2025 Olwokuyitira Waggulu Ebigezo Bya Curriculum Empya.Abayizi 71 Betwatuza Bonna Bayise Ne Result 1, Kubayizi 71,Twafunye A's 42 Ne B's 597 Zokka .Tusiimye Uneb Olwokulonda Ibun Hamis Nga Centre Eyatendekerwamu Abasomesa Ku New Curriculum Era Twenyumiriza Munkola Ya E-Learning Eyaletebwa Kusomero Eyambye Okuwa Abayizi Obukugu.Tukyawandisa Abayizi Abapya mu S.1,2,3 Ne S.5. Tusomesa Secular,Theology Ne DIT Ebyemikono. Essira Tuliteka Nnyo Ku sciences.

# 'O Level' tugisiibudde na buwanguzi'




Paul Ngobi Musobya yafunye A(5) ne B(4), abadde asomera ku Lugazi Homeland Kitega Lugazi. Wano ng'ajaganya ne bazadde be; Willy Kakuku ne Prossy Bulime.




Huzaifah Ssekabira, yafunye A (7) ne B (2) abadde asomera ku Nansana Secondary School. Wano ng'ajaganya ne nnyina Nashim Kyoshabire.




Abayizi ba Rines SS Namusera nga bajaganya okuyita obulungi. Ku kkono ye, Angella Ndagire eyafunye A(6) ne B(4), Desire Nabukeera yafunye A(8) B(1). Wakati ye, Robert Byamukama, omu ka badayirekita. Addiridwa Maria Namanda yafunye A(8) B(1), Stecia Zalwango yafunye A(5) B(4) ne Gloria Mutesi yafunye A(6) B(4).


**EKIRANGO**



Praise Kitiibwa, yafunye A(6) ne B(3). Abadde asomera ku Lugazi Homeland College.



Joel Nadiope, yafunye A(9), abadde asomera ku Kajjansi Progressive SS e Kajjansi.




Micheal Angello Kayizzi, yafunye A(9), abadde asomera ku Kajjansi Progressive SS e Kajjansi.



Grace Muwanguzi, yafunye A(4) ne B(5). Abadde ku Rines SS Namusera.




Komugisha Sheinaz Abrah yafunye; ENG B, IRE B, HIS C, GEO B, MATH A, PHY B , BIO B CHEM B ne Project Work B. Abadde asomera ku Nabisunsa Girls School.



Michael Muwonge (ku kkono) yafunye CBBBBABABA ku Masaka Exodus Vo SS.



Jotham Othuma yafunye A(6), B(3) ne A mu Project. Abadde asomera ku Naalya SS Lugazi Campus.



Rosette Nambatya yafunye; B (7) ne C (2) Project Work B. Abadde ku Ndejje SS.



Sulaiman Kanyike yafunye A(2) ne B (8) ku Our Lady Africa SS Mukono.



Jeninah Nansimbe yafunye A (2) ne B (8), abadde asomera ku Gombe SS.



Matama Patience Dorcus yafunye B(7) ne C(3) ku Iganga High School.



Buyungo Jeremiah yafunye A(2) ne B(6) ku Bugema Adventist SS e Luweero.



Biyinzika Jeal Dorcus yafunye A(3) ne B(5) ku Lakeside College e Luzira.




Prossy Nakalembe (ku kkono), yafunye BBBABBBBBB ku Act High School E Mayanja-Kakuuto. Wano ng'ajaganya ne mukulu we Thomas Telimba.



Brighton Baturugemu yafunye A(5), B(4) ne A mu Project. Abadde ku Naalya SS Lugazi.



Katrina Nalubanga, yafunye A(5), B(4) ne A mu Project. Abadde ku Naalya SS Lugazi.



Abayizi ba Pride College nga bajaganya. Mu ssaati ya kapere ye Nassozi Peace Jemimah yafunye A(5), B(4) ne munne Nakitende Elizabeth Kirabo (alina akasawo) yafunye A(4) ne B(4).



Biyinzika Jeal Dorcus, yafunye A(3) ne B(5). Abadde asomera ku Lakeside College E Luzira.